# Ekisaakaate kya Future Stars kibawawudde

Bya SAMUEL TEBUSEEKE

EKISAAKAATE ky'ebyemizannyo ekya Future Stars 10-day muliti-sport Residential Holiday Training Camp kiggwa leero.

Kibadde Gayaza Junior ne Gayaza High mu Wakiso nga kyetabiddwaamu baamusaayimuto abawala n'abalenzi okuva mu ggwanga lyonna. Batendekeddwa mu mupiira, okubaka, basketball, badminton, okuwuga, chess n'emirala.

Abayizi era baasomeseddwa obujjanjabi obusookerwako (First Aid) n'emisomo emirala egibayamba mu bulamu bwa bulijjo. Akulira ebyamawulire mu Gayaza High, Kizito Magala yategeezezza nti omukolo ogugenda okuggalawo guli mu kisaawe ky'essomero lino n'akoowoola abantu okugendayo mu bungi okulaba engeri abayizi bano gye bayizeemu ebintu mu bwangu.

Gutandika ssaawa 3:00 ez'okumakya oluvannyuma abaana bazannyiremu abazadde bye bayize.

Ekisaakaate kiwagiddwa kkampuni ya Vision Group, ekitongole ky'ebyemizannyo mu Wakiso, Prestige Margarine, UMC Victoria Hospital, Sumz ne MTN MoMo.

Era, bayizi bagenda kufuna ebirabo ebyenjawulo okuva mu makapuni gano agataddemu ssente.




Abawala nga bazannya teble tennis ku Gayaza High eggulo.